# *Ani Ono?*

Akuwe omukisa, ow'oluganda. Kirungi nnyo okufuna omukisa okujja mu nnyumba ya Mukama.

2 Ndabika nnina Ekyawandiikibwa kye nnali nsoma, gye buvuddeko, nga Kigamba nti Yesu bwe yasemberera Yerusaalemi, nti abayigirizwa baayimusa amaaso gaabwe ne balengera ekibuga ekitukuvu ewalako, ne batandika okujaguza nga bagamba, nti, "Kaakano kye kiseera obwakabaka buzzibweewo."

3 Naye ate waliwo omusajja ono eyali anyumya, manya eyali ayogera ku mulundi gwe yaakasemba okugenda e Palestina, n'agamba nti olwa leero abantu, mu mwaka oguwedde, babaddenga batuuka mu kifo, bwe bava mu kiwonvu ne batunula erudda awali ekkoona, ku luguudo lwe lumu Yesu n'abayigirizwa we baali mu budde buli, nti abantu bo bwe balaba ekibuga, ate batandika kukaaba.

4 Omanyi, nzikiriza, waliwo ekintu abayigirizwa bali, mu biro biri, kye baawulira, nga kibagamba nti—nti obwakabaka bwali bugenda kuzzibwaawo nate.

5 Era kati ekiseera kinaatera okutuuka. Era nzikiriza eyo y'engeri abantu gye bawulira, nti obwakabaka bunaatera okuzzibwaawo nate.

6 Ow'oluganda Neville, omusumba waffe omulungi era omwagalwa, yaakava okuntegeeza ku nteekateeka ez'okuba n'enkuŋŋaana ez'okudda obuggya ez'okubeera wano mu kkuŋŋaaniro, mu biro bitono ebijja, mbeere nga ngisabira. Era mmugambye, nti nzikiriza kijja kuba kya mukisa.

7 Temusobola kuba na nkuŋŋaana za kudda buggya nnyingi kisusse. Ate emirundi mingi okudda obuggya tukutegeera bubi. Okudda obuggya tekuli nnyo ku kuleeta bammemba bapya, wabula kuba kuzza buggya abo be tusangiddwa nabo. Era ndi . . .

8 Njagala okwogera kino, kubanga nkyogera nga kiva ku ntobo ya mutima gwange. Nti ntandise okuwulira embeera ey'enjawulo ku kkuŋŋaaniro wano okwawukanako n'eyo ebaddewo okumala ebbanga eddene, enneewulira e—ey'obuziba mu mwoyo, nga gye twateranga okuba nayo, edda ennyo; ekintu ekyo ekiggumivu, era ekirina omusingi gwennyini omunywevu. Era nzikiriza nti ekkanisa eno Katonda anaagiwa omukisa, ne . . . ? . . . nate mu maanyi gaayo.

9 Era ndaba enteekateeka ey'okuzimba egenda mu maaso, era nzikiriza nti ekyo kintu kikulu nnyo. Kubanga, ekiseera

kijja kutuuka, ffe abakadde tujja kwambula eby'okulwanyisa tubikwase abaana baffe, twambuke Amadaala gali aga zzaabu.

10 Luli nnatuuka ku myaka egy'omu makkati, nga gy'emyaka ataano egy'obukulu. Ekyo kikyannemye n'okukkiriza. Tekirabika nga awayise ebbanga kasookedde nkoleranga Chris Meisner nga nsitula eby'okulya bye yatundanga, nga nnina emyaka nga kkumi na munaana, kkumi na mukaaga, kkumi na munaana. Naye wakati w'emyaka egyo na gino mbadde nga aliko gye nnagenda. Kiraga bulazi nti wano tetulinaawo kibuga kya lubeerera, naye tulina kye tulindiridde Ekyo ekigenda okujja. Era nga ekyo kye Kibuga ekyazimbibwa Katonda, era mu kyo temuliba nkomerero.

11 Ku makya ga leero, bwe nnabadde mbuulira ku ssomo ly'Olunaku lwa Maama, ne ngezaako okulaga kiki maama ky'ali, si mu kifaananyi kino ky'ali nga mukadde, ajjudde enkanyanya, na bino byonna, nga atambulira ku miggo, oba mu kagaali k'abatasobola kutambula, oba atuula mu ntebe eriko omukono gwe we gwesigama, nga alina awo ekibya ky'ebimuli ku mabbali; wabula maama kifaananyi eky'okuzuukira, nga azziddwaayo mu myaka gye egy'obuvubuka, nga ayimiridde, ayakaayakana nga nnaabakyala. Bwentyo bwe njagala okulowooza ku maama wange. Ssaagala kumulowoozaako nga bw'afaanana leero, nga mukadde. Njagala ndowooze ku ebyo ebijja mu maaso. Era mmanyi nammwe bwe mutyo bwe mulowooza ku ba maama bammwe. Mulowoozeeko nga ddala bw'ali mu mutima gwe. Newankubadde nga bingi . . . nga omutontomi bw'agamba nti, "Obulamu tebumubeeredde bwangu, naye ne bwe yandibadde wa kuddamu kubiyitamu byonna, yandizzeemu n'abiyitamu asobole okubaako ne ky'akukolera." N'olwekyo Katonda ajja kukolawo ekkubo erinaamusobozesa okubeera naawe emirembe gyonna. Kale ndi musanyufu olw'ekyo.

12 Ssimanyi lwaki, naye nnalangiridde, ku makya ga leero, nti Mukama bw'anaaba ayagadde, akawungeezi nja kubuulira, ku mutwe ogugamba nti: *Ani Ono?* Amazima gali nti ssimanyi bwe ŋŋenda kukikola. Naye mbadde n'eby'okukola bingi nnyo okutuusa essaawa nga emu n'eddakiika kkumi eyaakayita, nga nsisinkana abantu kinnoomu mu kkansolingi emisana wonna, nga kw'otadde n'okukola ku byetaago eby'enjawulo ne—n'ebyetaagisa okukolwako embagirawo. Nga n'ebimu ssisobodde na kubituukiriza.

13 Kati njagala mweyongere okusabira Dokita Sam. Agenda—agenda atereera, era tuli basanyufu olw'ekyo. Ne Dokita Baldwin ne Muky. Baldwin nabo bagenda bassuuka. Bagenda batereera.

14 Kati nnina omulala omupya gwe njagala mwongere ku lukalala lwammwe olw'ab'okusabira, olw'eggulo luno. Ye Harry Lease abeera emmanga wano, atunda eddagala.

Harry mukwano gwange. Era ebbanga lyonna lye mmaze nga mmumanyi, mbaddenga ndowooza nti Mukristaayo, okutuusa olw'eggulo luno, muganda we bw'asabye tumusabire emmeeme ye erokolebwe. Ow'oluganda Mike Egan y'aleese e. . . omuyima waffe wano, ye yaleese amawulire ago. Era Harry ali mu mbeera mbi nnyo, mu ddwaliro. Mbadde ssimanyi nti andowoozaako ekyenkanidde awo; naye, olw'eggulo luno, mu kifo ky'okuyita omusumba we, manya omusumba w'ekkanisa gy'asabira, ate yayagadde nze mba ŋŋenda okumulaba. Era njagala ŋŋende mmulabe. Kale, bambi musabire Harry.

15 Tuli basanyufu wano, olw'eggulo luno, okumanya nti, mikwano gyange bali wano, abava emmanga eri mu Georgia, Ow'oluganda Welch Evans n'ab'enju ye. Era, ndaba, n'abagenyi abalala be mbadde ssimanyi, kirabika baabaddewo ku makya.

16 Bwe mba ssiraba bubi, nandiba nga nnengera Ow'oluganda ne Mwannyinaffe Elmer Collins emabega wali, abava e Phoenix, mu Arizona. O, tokyukangako yadde. Olabika nga asaanye okuddamu oyambale engoye zo eza kkampuni y'eggaali y'omukka, o—oddeyo ku luguudo. Kale tubaanirizza eka! Ssisobola kubasaba kusigala wano, kubanga mwafuna ekifo ekisingako obulungi, okiraba, mu Phoenix, walungi nnyo eyo. Nange, lumu gye njagala mbeere.

17 Ndaba n'Ow'oluganda Smith wano eno, ow'enzikiriza ya Church of God, eruuyi eri. Ow'oluganda Smith, luli, bampa, akatabo ko, manyanga jjo olw'eggulo, ennyo. Ssinnakasoma, naye nkakasa nga nkasemba okuba nti kalungi, bwe mmanya nti ggwe wakawandiika. Kateekwa okuba nga ebirimu Byawandiikibwa ddala, byennyini. Katonda akuwe omukisa. Era nsuubira kajja kugasa bangi.

18 N'abalala bangi, be nnyinza okwogerako. Mwenna mwanirizibwa wano mu kkuŋŋaaniro. Kati nnanyumiddwa nnyo oluyimba olwo, Mwannyinaffe Stricker lwe yayimbye ku makya, olugamba nti, "Atunula okuyita mu ddirisa, nga amutunuulira." Baganda bange Abamennonayiti abali wano, nsanyuse okuba nammwe wano. Wamu, n'abalala, mwenna! Waliwo ne mukwano gwange wano, nzikiriza, aviira mu Illinois, mutabani we ali mu kukwata ntambi emabega wali, nzizeemu ne mbasisinkana. N'abalala bangi nnyo, nnyinza. . . Bambi tolowooza nti nkigendereddde obutakwogerako bwe mba ssoogedde linnya lyo, naye mwenna mbaanirizza.

19 Kati leka tusome akawungeezi kano, Ekyawandiikibwa ky'eky'okugirizaako, okuva mu Matayo essuula ey'a 21, okutandikira ku lunyiriri 1, tusome nga tukkirira, tusome, n'olw'e 11.

> *Bwe baasembera okumpi ne Yerusaalemi,* ne wajja, ne batuuka *e Besufaage, ku lusozi olwa Zeyituuni, awo Yesu n'atuma abayigirizwa babiri,*

*N'abagamba nti Mugende mu mbuga ebali mu maaso, amangu ago* mmwe *munaalaba endogoyi ng'esibiddwa, n'omwana gwayo nayo: muzisumulule, muzindeetere.*

*Naye omu bw'anaabagamba ekigambo, munaagamba nti Mukama waffe* ye *azaagala; naye anaaziweereza mangu ago.*

*Kino kyabaawo, ekigambo kituukirire nnabbi kye yayogera, ng'agamba nti,*

*Mubuulire*. . . bawala ba *Sayuuni nti, Laba, Kabaka wo ajja gy'oli* mu buteefu. . . *nga yeebagadde endogoyi, n'akayana omwana gw'endogoyi.*

*Abayigirizwa ne bagenda, ne bakola nga Yesu bwe yabalagira,*

*Ne baleeta endogoyi, n'omwana gwayo, ne bazissaako engoye zaabwe, n'azituulako.*

*Abantu bangi ab'omu kibiina ne baalirira engoye zaabwe mu kkubo;* era *abalala ne batema amatabi ku miti, ne bagaalirira mu kkubo.*

Ebibiina *ebyamukulembera, n'ebyo ebyava ennyuma ne byogerera waggulu, ne bigamba nti Ozaana eri omwana wa Dawudi: Aweereddwa omukisa ajja mu linnya lya Mukama; Ozaana waggulu mu ggulu.*

*Awo bwe yayingira mu Yerusaalemi, ekibuga kyonna ne kikankanyizibwa nga kigamba nti, Ani ono?*

*Ebibiina ne bigamba nti, Ono ye Yesu nnabbi ava mu Nazaaleesi*. . .

Leka tukoteke emitwe gyaffe tusabe.

20 Ayi Mukama, twewuunya kiki kye twandyogedde, singa ffe twaliwo mu biro ebyo. Naye tuli mu biseera ebisinga ku biri obukulu, nga tulindirira okujja Kwe. Era nga bwe tweteekateeka, Mukama, nga tuteekateeka emitima gyaffe, nga tuleeta ebinywa byonna bye tusobola okukuŋŋaanya okuva mu makungula, awaka n'ebunaayira, tulowooza era twesunga ekiseera ekyo lwe tulimulaba nga Ajja, nga yeebagadde embalaasi enjeru, nga akka okuva mu Kitiibwa, okuwaanyisa n'okukyusa emibiri gyaffe gino egivunda, agifuule omubiri ogugulumiziddwa nga Ogugwe gwennyini bwe guli, ogwo ogutayinza kubaamu kibi yadde okuyingirwamu akantu konna akeefaananyiriza okufa. Era tulimulaba nga bw'Ali, era tuliba balamu, era tumwagale okuyita mu mirembe gyonna egirijja.

21 Tukwebaza olw'ekkanisa eno n'olw'omusumba waayo, n'olw'abayima n'abadiikoni, n'olwa buli muntu ajja wano; n'olw'abagenyi abatukyalidde, nga nabo ndiga za mu kisibo kye kimu, wabula zirundirwa walala. Tukusaba Obawe omukisa, akawungeezi kano, n'Okubeerawo Kwo.

22 Era otuliise ku Kigambo Kyo, tusobole okuva wano, akawungeezi kano, nga tumaliridde okubeera Abakristaayo abalungi okusinga bwe twali tubadde. Tusaba tugende n'essuubi eriggya mu mitima gyaffe, n'essanyu, nga tulindirira Okujja Kwe.

23 Bwe waba waliwo, abalwadde n'abanyigirizibwa, tetwagala kwerabira kubasabira. Kibeere nti. . .Nga bwe bazze mu kizimbe, akawungeezi kano, mwe tukuŋŋaanidde okusinza, bazze balwadde, leka bafulume nga bawonyezeddwa.

24 Tusabira n'abo abagenda bassuuka, abajjanjabirwa awaka ne mu malwaliro, n'abali ku ndiri nga balumizibwa. Tusaba, Ai Katonda, okusaasira Kwo kubatuukeko.

25 Tusabira abo abatannasalawo, akawungeezi kano, abo abatannalegako era abatannalaba nga Mukama bw'ali omulungi, abatamanyi kye kitegeeza kwagalibwa Mukama. Bambi tebamanyi kye basubwa. Ayi Katonda, leka okubuulira okuyita ku mukutu gwa leediyo, oba okuyita mu ngeri endala yonna, kukome ku mitima gyabwe, enneewulira zaabwe zikyusibwe okudda gy'Oli nga oluggi lw'okusaasirwa terunnagalwawo baleme okuggalirwa ebweru, okuyimirira mu musango nga tebaliiko kusaasirwa.

26 Tuyambe, ayi Mukama. Ebintu bino tubisaba mu Linnya lya Mukama waffe Yesu, era ku lw'ekitiibwa Kye tubisabye. Amiina.

27 Abantu baali bakwatiridde ku wankaaki zonna, nga n'enguudo zijjudde abantu, nga tewali na kifo bantu we bayinza kwebaka. Baali bagalamidde wabweru wa bbugwe, wansi awo wonna, kubanga kuno kwe kwali okuyitako. Era abantu baavanga ebunaayira yonna mu bitundu ebyali bimanyiddwa mu nsi mu kiseera ekyo, okujja okusinza mu kiseera ekyo. Ky'ekiseera omwana gw'endiga ogw'okuyitako mwe gwattibwanga. Era e. . .Gwe gwali gwoleka okununulibwa kwabwe okuva e Misiri, mu busibe. Era olunaku luno, baalukuzanga buli mwaka. Buli mwaka, baakuzanga okuyitako kuno okukulu. Era kyali kimu ku biseera ebikulu. . . manyanga gwali gumu ku mikolo egyakolebwanga mu nzikiriza y'Ekiyudaaya, kubanga kyabajjukizanga ekiseera mwe baanunulirwa.

28 Ekyo abantu bonna baagala nnyo okukirowoozaako, ekiseera mwe baanunulirwa. Buli omu ku ffe, akawungeezi kano, nga tusobola okuddayo ne twejjukanya ekiseera we twanunulirwa! Ne tulaba bwe kyali ekikulu ennyo gye tuli!

29 Nsobola okujjukira mu ebyo bye nnayitamu, engeri omutima gwange nga omulenzi omuto gye gwayaayaaniranga okukoma ku Katonda. Nnabeeranga ndowooza mu nze nti, "Nyabula, ssinga nsobola okugenda ne nkonkona ku luggi Lwe, ne njogerako naye okumala akaseera!" Era, mumanyi bulungi, ebyafaayo by'obulamu bwange. Nnakwata olupapula n'ekkalaamu enkalu,

nga ŋŋenda kumuwandiikira ebbaluwa, kubanga nnali ssisobola kwogera naye. Era nnali mmanyi nti Abeera eyo mu kibira, kubanga nnali nnamuwulirako nga ayogera, era nnali nnalaba nga Ayitaayita eyo mu miti. Era wa—waaliwo, akakubo mwe nnayitanga bwe nnabanga ŋŋenda okuyigga oba okuloba ebyennyanja. Era mu nze nnagamba nti, "Ebbaluwa yange nja kugikomerera ku nduli y'omuti, ngiwandiikeko nti eri Mw. Yesu." Nga ngezaako okufuna engeri gye nneggyako omugugu ogwo ku mutima gwange.

30 O, bwe nzijukira ekiro ekyo, emmanga eri! Nsobola okwerabira emyaka gyange, n'obw'olumu nsobola okwerabira erinnya lyange, naye ssisobola kwerabira kaseera ako lwe Yansumulula okuva mu kibi. Waliwo ekyabaawo, munda mu nze, ekinnyambye okuyita mu biseera ebizibu ebya kazigizigi. Akaseera ako lwe nnasumululwa, emigugu gy'ekibi gyantikkulwa, ne nfuuka muntu muggya. Era mbadde kitonde kiggya mu Kristo Yesu, okuva mu kiseera ekyo.

31 Kati n'Abayudaaya bano, bajjanga, buli mwaka. Era munda mu kkanisa mwalimu e—ensulo. Era baalyanga o—omugaati, n'enva endiirwa ezikaawa, n'ennyama y'omwana gw'endiga, ne banywerako amazzi agava mu nsulo eno eyali munda mu kkanisa. Ne basanyukira wamu kubanga Katonda yali abalaze okuganja. Kale, kino nga bwe kyali ekiseera eky'okuyitako, ate nga kuno tekwali kuyitako okwa bulijjo, wabula kwali kuyitako okw'enjawulo.

32 Omanyi, waliwo emirundi egimu lwe tugenda mu kkanisa ne. . . Weewaawo bulijjo tuba twagala okugenda, naye waliwo emirundi egimu lwe wabaawo ekintu eky'enjawulo ekibaawo.

33 Kati na guno gwali gumu ku mirundi egyo. Embeera yonna yali ejjudde okwesunga, era nga bwe kiri ne leero. Amaaso g'abo bonna abaali bamwagala gaali galindiridde okumulaba nga Ayingira mu wankaaki.

34 Era nzikiriza nsonga nkulu nnyo ddala ne leero, kubanga abo abamwagala bamunoonya. Embeera yonna ejjudde okulindirira.

35 Nga, tuli mu kiseera, nga amazima ensi yonna, efuuse ekipipa ky'obuganga ekirinze okubwatuka. Nga ne ssaayansi atugamba nti, "Ebula eddakiika ssatu zokka ettumbi likoone." Era nkakasa nga emboozi eyo mwagisoma, nga nange bwe nnagisoma, luli, eya jjenero w'amagye ono, eyagamba nti, "Ssinga wabalukawo olutalo olulala, luba lwa kumala eddakiika nga bbiri oba ssatu zokka." Ennwaana eri ey'edda, ey'okulwanyisa emmundu zi kisasi kimu, n'okusima empompogoma z'okwekwekamu, ebyo byayita. Bagamba mbu olutalo olunaddako lujja kumala eddakiika nga bbiri oba ssatu zokka. Luliba lumu, omuntu omu katwewungu alivaako waya n'atulisa emu ku bbomu ezo. Era bw'alikikola, buli wamu, tulinawo ebifo omuli ebyuma ebirengerera ewala bbomu

eziba zikasukiddwa, buli wamu, ebisobola okwenasula byokka okulumbagana bbomu eyo. Ekyo ensi tesobola kukisimattuka.

36 Buli omu ku baali ku kuyitako okwo yali akimanyi nti waaliwo ekyali kigenda okubaawo, naye nga tebamanyi bumanya kiki kye kyali.

37 Era bwe kityo bwe kiri ne leero. Kyenkana buli omu akimanyi nti waliwo ekinaatera okubaawo. Ekyo buli omu akimanyi. Osobola okwogera n'omwonoonyi, osobola okwogera n'omusuubuzi, osobola okwogera na buli omu yenna, naye, ha, kiseera kya bunkenke eri ensi.

38 Naye ate bw'oyogera n'omusajja oba omukazi alindiridde okujja Kwe, okiraba nti, ekitiibwa kyakayakana ku bwenyi bwe. Alindiridde ekintu ekyo ekikulu kibeewo. N'olwekyo embeera yonna ejjudde okusuubira nate, nga erindirira ekigenda okubaawo. Ensi temanyi kiki ekinaatera okubaawo, naye Ekkanisa ya Katonda omulamu emanyi ekigenda okubaawo. Bakimanyi nti mangu nnyo ekkondeere eryo ligenda kuvuga, tumulabe nga Ajja, nga aseeyeeya okuva mu Kitiibwa, ku mbalaasi enjeru, nga eggye ly'omu Ggulu limugoberera. Era abo abaafiira mu Kristo balikwakkulibwa basitulibwe okumusisinkana mu bbanga. Ekyo kye tulindiridde. Tukyesunga.

39 Era tutegeezebwa nti emmeeme za ba maama abo, n'abalala, ze twayogeddeko enkya ya leero, nti ziri wansi wa kyoto kya Katonda, zikaaba zibuuza nti, "Tunaalinda kutuusa ddi, Mukama? Tunaalinda kutuusa ddi?" Maama ayagala kukulaba era nga naawe bw'oyagala okumulaba. N'abaagalwa baffe baagala okutusisinkana era nga naffe bwe twagala okubasisinkana.

40 Nga kuliba kusisinkana kukulu, bw'Alijja! Bwe tulisisinkana abaagalwa baffe ne tubalaba mu mibiri gyabwe egizuukiziddwa, era egigulumiziddwa, nga batambula wamu n'abasika b'okuzuukira, nga tulaba embala yaabwe, nga bwe yakyuka, obuteefu n'obuwombeefu. Era tewaliba waasiwaasi na kusindikagana, na kusattira na kubuguutana, kubanga tulibeera ffenna mu Butaggwaawo.

41 O, omulembe guno ogw'okubuguutana gwe tulimu, tetulina budde bwa kintu kyonna, wabula kuwalampa kwereere, na kubuguutana, na kunyakula, weewaawo, mulembe omubi ennyo.

42 Kati, bwe baali balindirira ekintu ekyo okubaawo, kibi nnyo okuba nti bangi ku abo abaali ku kuyitako okwo tebaasobola kumulaba. Kyokka, nga ate baali bakimanyi nti waaliwo ekyali kinaatera okubaawo, naye eby'embi tebaasobola kumulaba.

43 Bwe kityo bwe kiriba ne mu Kujja kwa Mukama waffe. Waliwo abantu bangi, ensangi zino, abatatebenkedde mitima, nga bakimanyi nti waliwo ekinaatera okubaawo, naye teba— tebalimulaba. Kubanga Alijjira mu kasirise k'ekiro mu ttumbi,

okunyakulawo Ekkanisa eyo entono eyaayaana era erindiridde era eyeesunga okumulaba. Abo b'Alijja n'anyakulawo. Bangi ku bali mu nsi abatambulira mu masanyu, nga emmeeme zaabwe baziriisa ku bintu by'ensi, tebalimanya kibaddewo, okutuusa nga Ekkanisa egenze mu Kitiibwa, kubanga Alijja nga omubbi mu kiro n'abakwakkulawo. Kale tukiraba nti tuzzeeyo nate mu mbeera y'emu. Kati tukiraba, nti, okwesunga kuno, nti Katonda ajja eri abo. . .Okuyita mu Byawandiikibwa byonna, kintu kye kimu ekibaddengawo. Nti waliwo a. . .Bulijjo Alabikira abo abamusuubira, bulijjo ajja eri abo abaagala okumulaba. Era nkakasa nti eryo lye ssuubi eriri ku mitima gyaffe akawungeezi kano.

44 Ndowooza, kati waakayitawo emyezi nga mukaaga, nnali njulira eri abantu abamu. Ne ŋŋamba nti, "Ha, okukirowoozaako obulowooza, nti akaseera konna Ajja kujja!"

45 Era ekyandeetera okwogera bwentyo, nnali njogera ku W'oluganda Bosworth. Bwe nnagenda okulaba omutukuvu oyo omukadde, bwe twawulira nti yali anaatera okufa, nga alina emyaka kinaana mu giigyo, nze ne mukyala wange ne tugendayo. . .okumulaba nga tannafa. Nnalina okubaako ne kye mmugamba. Nnyumirwa nnyo okulaba abatukuvu nga bayingira mu Kitiibwa, kale nnali nnina okumulaba. Bwe tutyo ne tuvuga emmotoka ku misinde.

46 Naye bwe nnatuukayo, ne nnesogga akasenge mwe yali, omukadde oyo bambi yali agalamidde awo mu nsonda erudda. N'ayimusa omutwe gwe bwe yandaba nga nzize. N'ayimusa, emikono gye, egyali ginafuye nga gyonna gijjudde enkanyanya. N'agolola emikono gyendi. Ne mmuwambaatira okwetoloola ensingo ne mpoggana nti, "Kitange, kitange, amagaali ga Isiraeri, n'abagoba baago," kubanga yali musajja mutukuvu, atya Katonda.

47 Kye nnava mmugamba nti, "Ow'oluganda Bosworth, waliwo kye njagala okukubuuza. Okkiriza nti onaawona?"

N'agamba nti, "Ha, nze ssiri na mulwadde."

Ne mmubuuza nti, "Kati, mutawaana ki?"

48 N'agamba nti, "Ŋŋenda Ka." N'agamba nti, "Nkooye, era nzenna nnyenjebuse. Era njagala kimu kyokka kugenda Ka."

49 Ne ŋŋamba nti, "Ekitegeeza otegedde nti ogenda kufa?" Ne ŋŋamba nti, "Waliwo kye njagala okukubuuza. Okuyita mu myaka gyonna egisukka mu nsanvu gy'omaze mu buweereza, kiseera ki ekikyasinzeeyo okuba eky'ekitiibwa mu bulamu bwo? Osobola okwogerako nange, ssebo, n'ombuulira ku bintu by'oyiseemu, mu bulamu bwo nga bwe buzze butambula, akaseera k'oyinza okugamba nti ke kasingayo okuba ak'ekitiibwa."

50 Bwe ndiwangaala ne ntuuka ku myaka gye, ssiryerabira, bwe nnalaba amaaso ge bwe gantunuulira, waggulu wa gaalubindi ezo. Yaŋŋamba nti, "Muganda wange omwagalwa, kino kye kiseera ekisingayo obukulu mu bulamu bwange. Ssiyinza kulowoozaayo kiseera kirala kya kitiibwa kusinga kino kye ndimu kaakano."

51 Ne mmutunuulira mu maaso, ne mmubuuza nti, "Ssebo, okimanyi nti mu kaseera kano ofa?"

52 N'agamba nti, "Ow'oluganda Branham, ngalamidde wano, nga mmulinze eddakiika yonna Ajje aggulewo oluggi, antwale Eka ŋŋende wamu naye." Eyo ye nfa ennungi. Ago ge magenda amalungi.

53 Era nga bwe mumanyi, nti, essaawa nga bbiri nga tannafa . . . Yasooka, n'abeera mu kkoma, okumala ennaku ezisukka mu bbiri. Naye bwe yadda engulu, n'ayimuka mu kisenge, n'atandika okwogera ne mukyala we. Naye ate, amangu ago, n'alabika nga ataliiwo. N'amala essaawa nnamba n'omusobyo, nga akwata mu ngalo ab'emikwano, abamaze emyaka nga ana oba ataano nga baafa, be yakyusa abaasabiranga mu kkanisa ye. N'akwata mu ngalo za nnyina ne kitaawe. Okutuusa lwe ya . . . obulamu lwe bwava mu mubiri gwe, n'agalamira ku mutto ne yeebaka, mu mikono gya Mukama waffe Yesu. Tewali kirungi nga kumuweereza, nga omusuubira.

54 Era bwe nnali njogera n'omusajja ono nga mmugamba nga essaawa yonna bw'ajja, ne mmunyumiza ebyo, nnagamba bwe nti. Nnamugamba nti, "Ssebo, ha, tekiriba kya kitiibwa bwe tulimulaba? O, nyabula singa Ajja olwa leero!"

N'agamba nti, "Ow'oluganda Branham, leka kutiisatiisa bantu bw'otyo."

Ne mmubuuza nti, "Kiki ky'otegeeza?"

55 N'agamba nti, "Ha, leka kugamba bantu nti ensi ejja, manya nti Kristo ajja. Kibeeraliikiriza."

56 Kye nnava mmugamba nti, "Ha, nedda. Bambi. Eri abo abamulindiridde okujja, ago ge mawulire agakyasinze okuba ag'ekitiibwa ge basobola okuwulira, nti Yesu anaatera okutuuka atwale Ekkanisa Ye." Obukadde bulikyusibwa bufuuke obuvubuka. Essanyu liriweebwa mu kifo ky'ennaku. Obulamu buliweebwa mu kifo ky'okufa. Obutafa, bulidda mu kifo ky'okufa. O, nga kaseera kakulu, okukimanya nti Alijja!

57 Baali bamulindiridde. Baali bamusuubira. Naye ate bwe Yajja, tukiraba nti waaliwo ebibinja bibiri ebyali byeyawuddemu. Ekibinja ekimu kyali kimukkiririzaamu, nga ekirala kimuwakanya.

58 Ne leero tukiraba nga bwe kityo bwe kiri. Ekyo kye, okujja Kwe, bulijjo kwawukanya abantu. Buli mulundi, gw'osanga Yesu, ojja kukizuula nti mu abo ababeera bamwetoolodde

mubaamu abamuwakanya. Oyo ye Ssetaani. Ne, leero, bwe tukirowoozaako, tetulabawo njawulo ya maanyi kiri awo. Kye kimu. Abantu weewaawo bakyuse, naye omwoyo ogubakolerako tegukyuse.

59 Kale oluvannyuma bwe baatunula ebweru wa wankaaki ne bamulengera nga Ajja, nga yeebagadde, akalogoyi akeeru, ky'ova olaba abayigirizwa baatandika oku—okuleekaana nti, "Obwakabaka bw'omu Ggulu buzze!" Abantu ne badduka ne bagenda okumusisinkana, Yerusaalemi yenna n'agwamu akajagalalo. Buli mulundi Yesu bw'ajja, wabaawo eky'enjawulo, bulijjo wabaawo akajagalalo. Ekibuga kyonna ne kikyankalana. Nga te—tebayinza kukikweka.

60 Era ababuulizi b'ekiseera ekyo baalina okunnyonnyola ekivuddeko akajagalalo kano, kubanga kaabaawo ku mbaga ey'okuyitako. Kye baava baleekaana ne babuuza nti, "Ani Ono?" embeera bwe yatabanguka, era okujja kwa Mukama waffe Yesu, e Yerusaalemi, kwali kuleese ebbugumu mu mbeera y'essuubi, kirabika nga abayigiriza abaali basaanye okuba nga bamanyi ekyali kigenda mu maaso. Kirabika nga kabona omukulu eyali asaanye okuba nga akimanyi. Kirabika nga bakabona abalala bonna abaali basaanye okuba nga bakimanyi.

61 Era ne leero, tekikyuse n'akatono, kubanga Omwoyo Omutukuvu akulembera Okujja kwa Mukama waffe Yesu. Era nga Omwoyo Omutukuvu bw'atandika okubuna ensi, omuliro gw'okudda obuggya gugenda gukoleezebwa, buli wamu, obubonero obw'ekitalo n'ebyewuunyo bikoleddwa, okuwonyezebwa kubaddewo, obunnabbi buweereddwa. Emikisa gy'ekitume gyonna gyonna gikomyewo mu Kkanisa nate. N'olwekyo, nga bwe kyali ku mulundi guli, ne kaakano bwe kiri, era omwoyo gw'oyo atakkiriza gwebuuza nti, "Ani Ono?"

62 Abamu ku bo bakkiriza Mukama waffe Yesu, nga bagamba kimu Yali Musajja mulungi. Abamu ku bo baagamba nti, "Musajja mulungi."

63 Ne leero bwe bagamba. Bagezaako okumuteeka mu ttuluba lya Napoleon, omulwanyi. Bagezaako okumuteeka mu ttuluba lya—lya George Washington, omusajja ow'amazima. Naye yali asingawo nnyo ku ekyo.

64 Mwetegerezza bwe tubadde tusoma Ekyawandiikibwa? Baagamba nti, "Ono ye Nnabbi ava e Galiraaya."

65 Ne leero kye kintu kye kimu kye bagezaako okwogera, bwe balaba okutambula kwa Katonda kuno okw'amaanyi: nga abalwadde n'abanyigirizibwa, baddizibwa, obulamu; nga bamulaba ng'Akozesa Omwoyo We mu Kkanisa Ye, okwawula ebirowoozo by'abantu; nga bamulaba nga Akolera ddala ebyo byennyini bye yakola bwe Yali wano ku nsi, okutuukiriza bye Yagamba nti biribaawo; mazima ddala, amakanisa n'abantu babirabye era babuuza kimu nti, "Ani Ono?"

66 Yesu tebaategeera kiki kye yali, kubanga tewali n'omu ku bo yali asobola kumutegeera, nga asinziira ku matendekero gaabwe bye gaabayigiriza. "Yasomera mu seminaaliyo ki? Ttendekero ki ery'ebyeddiini mwe yava?"

67 Ne leero bwe kiri. Abantu abasinga obungi abaliko amafuta ag'Omwoyo Omutukuvu tebaava mu ttendekero lya bya ddiini lyonna. Baakolebwa kweroboza kwa Katonda. Naye obubonero n'ebyamagero, n'ebyewunyo ebyasuubizibwa mu Bayibuli, bigoberera Omwoyo Omutukuvu ono ow'ekitalo nga bw'Atambula mu bantu.

68 Era leero beebuuza nti, "Bava mu ttendekero ki?" Oluba okuyingira oti ekibuga, okukubamu olukuŋŋaana nga bakubuuza nti, "Oli wa ddiini ki?"

69 Ku Lwokutaano olw'eggulo nnasisinkana ffaaza w'ekereziya Katolika ey'e Roma okuva mu ekereziya y'Abayiriisi mu Louisville. Baali tebannaba na kunnyanjula gy'ali, omusajja omuyivu obulungi, n'ambuulizaawo nti, "Mw. Branham, mpozzi oli wa ddiini ki?"

Ne mmugamba nti, "Ssiri wa ddiini yonna."

Kye yava ambuuza, nti, "Wayawulibwa mu buweereza?"

Ne mmugamba nti, "Yee, ssebo."

N'ambuuza nti, "Ani yakwawula mu buweereza?"

70 Kko nze nti, "Mukama waffe Yesu ye yampa Omwoyo Omutukuvu, okubuulira Enjiri, n'antuma n'omulimu ogw'okukola." Kati, okwo kwe kwawulibwa mu buweereza kwe twetaaga.

71 Yesu teyagamba bayigirizwa Be nti, "Mugende eri ba . . ." Ssivumirira bintu ebyo, naye ekiseera kyabyo kyayita. Teyagambako nti, "Mugende, mutendekebwe okufuuka abaweereza, okumala emyaka *bwe-giti*."

72 Yagamba nti, "Mubeere mu kibuga Yerusaalemi, okutuusa nga mujjuziddwa n'Amaanyi okuva Waggulu." Ekyo Yakigamba abasajja abaali batasobola yadde okuwandiika amannya gaabwe. "Era ekyo bwe kirimala okubaawo, Omwoyo Omutukuvu bw'alimala okubakkako, olwo mulibeera bajulirwa Bange, mu Yerusaalemi, mu Buyudaaya, Samaliya, n'ebitundu by'ensi ebiri ewala ennyo." Okwo kwe kwawulibwa mu buweereza.

73 Tewali we tulaba Yesu nga agenda mu ttendekero lyonna, yadde okutikkirwa nga amaliriza emisomo gy'ebyeddiini mu seminaaliyo yonna. Kyokka nga, wabaddewo amatendekero g'ebyeddiini mangi nnyo agazimbiddwa mu Linnya Lye, olw'ebigendererwa by'eddiini, okusinga agazimbiddwa olw'ensonga endala—yonna agaali gabaddewo mu nsi. Tetulaba wantu wonna—wonna we kyamuwandiikibwako nti Yagendako ne mu ssomero. Kyokka, nga, wabaddewo amasomero mangi

nnyo agazimbiddwa mu Linnya Lye okusinga amasomero gonna, agaali gazimbiddwa mu linnya eddala lyonna wansi w'eggulu. Tetulina we tugambibwa nti Yali awandiise ekitabo kyonna. Kyokka nga, ebitabo bingi nnyo ebimuwandiikiddwako okusinga ebirala byonna ebiwandiikiddwa. Era, leero, Bayibuli Ye kye Kitabo ekikyasinze okuba eky'ettutumu mu nsi yonna, mu bitabo byonna ebiri mu nsi.

74 Naye, ate olaba nti, mu kiseera ky'okukyalirwa kwabwe, beebuuza nti, "Ye Ani?"

75 Okiraba, Katonda addira ekintu ekirabika nga ekitalina kye kiri, n'akikolamu ekintu eky'omugaso. Ekyo kye kimufuula Katonda.

76 Era bwe baamulaba nga Ajja, nga yeebagadde ayingira mu wankaaki oyo, abamu ku bo baagamba nti, "Musajja wa maanyi."

77 Ekyo na guno gujwa bakyakyogera. Waliwo amatendekero g'eby'eddiini, ensangi zino, agayigiriza nti Yesu yali Musajja wa maanyi, nti yali Musajja mulungi. N'agamu ku matendekero ago gagamba mbu Yali nnabbi. Kati, bw'aba yali nnabbi kyokka, oba Omusajja omulungi, kitegeeza tukyali mu bibi byaffe. Yali asingawo nnyo ku ky'okubeera nnabbi. Yali asingawo nnyo ku ky'okubeera Omusajja omulungi. Weewaawo, yali Musajja mulungi. Naye ate, Yali Nnabbi-Katonda. Naye Yali asingawo nnyo ku ekyo. Yali Katonda nga alabisiddwa mu mubiri, asobole okuggyawo ekibi.

78 Era bwe Yali ayingira, nga yeebagadde omwana gw'endogoyi, bangi ku bantu baagamba nti, "Muwonya. Bannaaye, twamulaba nga azibula amaaso g'omuzibe. Twamulaba nga atambuza omulema. Twamulaba nga Asabira omwana, omusujja ne gumwamuka." Naye, ate, ab'ekika ekyo baamugobereranga lwa migaati na byannyanja.

79 Era abantu bangi, bwe batyo bwe bali leero. Bwe wabaawo omuwonya, kye bakola, ba—bamugoberera, era A—Abeera kiddukiro kyabwe. Bwe balwala, nga baddukira gy'ali, nga bamugamba nti, "Bambi, nkwegayiridde osobola okunsabirako, Mukama waffe Yesu amponye?" Naye oluba okuva bwe bati mu ddwaliro, oba ku ndiri kwe babadde, nga baddayo butereevu mu nsi, nga embwa bw'eddira ebisesemye byayo, oba embizzi bw'eddayo okwevulunga mu ttosi lyayo, nga Ekyawandiikibwa bwe kigamba. Bamugoberera kumufunako ebyo bye baba beetaaga okumufunako. Bamweyambisa nga e—ekintu kwe baggya emikisa, oba—oba ekintu kye—kye basobola okumufunako, naye nga tobasuubira kumuweereza. Ekibinja ekyo kikyagenda mu maaso ne gye buli eno.

80 Waaliwo abagenge mwenda abaawonyezebwa, naye omu yekka ye yakomawo okumuwa ettendo. Manyanga tebaali kkumi? Ku bonna, omu yekka, ye yakomawo okumuwa ettendo,

abalala bonna baagenda makubo gaabwe, mu butasiima bwabwe.

81 Era ssinga abantu mu Amerika, abaawonyezebwa olw'Amaanyi ga Katonda, bakyusa emitima gyabwe ne bagizza eri Katonda, wandibaddewo okudda obuggya mu ggwanga lino okwandiviiirideko buli kirabo kya mwenge okuggalwa, okwa. . .Amatundiro g'omwenge ne wisiki tebyandizzeemu kulabibwako. Amakanisa gandijjudde. Ebifo omulagirwa ebivvulu tebyandibaddemu bantu ku Ssande ekiro. Era wandibaddewo okudda obuggya okubalukawo, mu ggwanga lino. Naye bwe babiraba nga bikolebwa, ebintu Katonda by'akola, era baleekaana babuuza nti, "Y'ani Ono? Y'ani oyo ajja? Ava wa? Y'ani ono? Bino buyinza ki obubikola?"

82 Siryerabira, e Johannesburg, mu South Afirika. Nnali naakatuuka, nga waakayitawo eddakiika nga asatu, nga naakava mu nnyonyi. Nnali mmaze ennaku ssatu n'ebiro bisatu mu bbanga, nga nkooye ssikyasobola kukigumiikiriza. Ne—ne bantwala mu kifo we bakolera emyoleso awaali wakuŋŋaanidde abantu nga emitwalo ataano oba nkaaga. Nnali naakalinnya nti ku kituuti, Omwoyo Omutukuvu n'a. . .Ne ndaba, bbaasi, nga e—ejja. Nga ewandiikiddwaako nti, "Durban." Ne ndaba omuvubuka omu nga afuba okwesika ku kitaawe ne nnyina, nga okugulu kwe okumu kumpi ku kunnaakwo yinci nga mukaaga oba munaana. Yali ayambadde essaati njeru, n'obusipi buno bu sasipenda nga bwe bukutte empale ye. Ne ndaba omuvubuka ono omuto. Ŋŋenda okuddamu okwetegereza. Nga okwolesebwa kugenze. Mu, kaseera katono, ne nnengera Ekitangaala ekyo nga kirengejjera ku muvubuka omuto, emabega mu kibiina. Ne nneetegereza. Ne ndowooza muli nti, "Nnina we nnali mmulabyeko." Ne mmwekaliriza, era Ekitangaala ekyo ne kimusigalako okumala eddakiika ntonotono. Nga bwe nninda omuvvuunuzi okukwata ebigambo ebyali biddako. Bwe waayita akaseera ne ndaba omuvubuka oyo nga ayimiridde, n'asuula wansi emiggo gye egy'abalema, n'okugulu kwe okwali okumpi ku kulala yinci nga mukaaga ne kwegolola ne kwenkana ne kunnaakwo.

83 Ne ŋŋamba Mw. A. J. Schoeman; ali mu Kitiibwa, akawungeezi ka leero. Ne mmugamba nti, "Mw. Schoeman, kwata ebigambo byange. Kuno kwolesebwa."

N'agamba nti, "Ŋŋenda kubikwata bulungi nnyo."

84 Ne ŋŋamba nti, "Omuvubuka atudde emabega wali ayambadde essaati enjeru, ne sasipenda, yavudde mu kibuga ekiyitibwa Durban, mayiro nga lukumi mu bitaano, era yaggyidde mu bbaasi. Era yebbiridde bwebbirizi okuva ku kitaawe ne nnyina, okusobola okujja wano. Naye akkirizza Mukama waffe Yesu, era alina okugulu kwe okumu kumpi ku kunnaakwo yinci mukaaga."

85 Omuvubuka kye yava abuuka. Wuuyo, n'ayimirira, nga agezaako okunoonya emiggo gye egy'abalema. Kye nnava ŋŋamba nti, "Muvubuka, Mukama waffe Yesu akuwonyezza." Amangu ago okugulu kwe ne kwegolola, yinci mukaaga, ne kwenkana ne kunnaakwo. Omuvubuka ne bamuleeta ku kituuti, abasawo ne bamukeberera awo wennyini. Ekifaananyi kye mukiraba mu katabo kange.

86 Nnali nnaakayimirira awo okumala eddakiika nga ziizo, ne ndaba akamotoka akatono, aka langi eya kiragala nga kawenyuka ku luguudo, ne kawaba ne kava ku kkubo. Ne kakyuka, ne katunula emabega, ne katomera omuti. Omuwala omuto, eyalina enviiri eza kyenvu yali . . . amenyese omugongo. Kye nnava ŋŋamba nti, "Ndaba akamotoka, akatono aka langi eya kiragala akawabye ne katomera omuti, era mubaddemu omuwala omuto ow'enviiri eza kyenvu wa myaka nga kkumi na munaana amenyese omugongo. Ali mu mbeera mbi nnyo." Tewali n'omu yayanukula. Nga ssirina na we mmulaba, mu kibiina ekyo ekinene ekyali kikubyeko abantu. Ne nnyimirira awo okumala eddakiika nga ziizo. Kye nnava ŋŋamba nti, "Mukitegeere. Ki . . . Temukyekengera. Ye Mukama waffe Yesu, mu Maanyi ag'okuzuukira. Yatuma Omwoyo Omutukuvu okwongera mu maaso omulimu Gwe." Okwolesebwa ne nziramu ne nkulaba nate. Naye ate omuwala oyo omuto ssaamulaba.

87 Mu kaseera ako kennyini, mu maaso gange, ne wajja Ekitangaala ekyo, nga bwe mukiraba mu kifaananyi. Ne Kiyimirira awo. Ne nsembera ne ŋŋendawo, nga omuwala ali awo wansi w'ekituuti. Ne mmugamba nti, "Muwala, Mukama waffe Yesu akuwonyezza." N'atandika okukaaba.

88 Nnyina n'agamba nti, "Nedda, bannaaye! Temumugamba kusituka!" N'agamba nti, "Bw'anaasituka, ajja kufa."

89 Omuwala n'asituka n'ayimirira ku bigere bye, nga bw'aleekaanira waggulu, nga bw'atendereza Katonda. Nnyina n'azirika n'agwa ku kasituliro omuwala kwe yali agalamidde.

Kiki ekyo?

90 Mu kaseera ako kennyini, omusajja omu omukolokosi n'asituka okuva emabega eri, n'ayimirira nga okugulu okumu akutadde ku katebe akamu n'okulala ku katebe akalala, n'agamba nti, "Mumerika ggwe! Nkusoomooza ombuulire Linnya ki mw'okolera ebintu bino! Na kibiina kya ddiini ki mw'ova?" Mukiraba?

91 Kye kimu. Tebakitegeera. Tebanoonya kulabisibwa kwa bintu bino. Amakanisa teganoonya Kujja kwa Mukama waffe. Ate nga Omwoyo Omutukuvu ali wano okukakasa Okujja Kwe, okukutuukiriza. Okutuusa nti . . .

Buli omu ayagala kukwata kkubo lye. N'eri bwe kityo bwe kyali. Buli kibiina kyalina endowooza eyaakyo.

92 Naye ekyo si kye kibuuzo akawungeezi kano. Ekyo si kye njogerako. Naye ekibuuzo kye nkubuuza, kiri nti, ggwe olowooza Ani ono? Kikukwatako. Ani Ono atalaaga amawanga? Bano si bantu. Abantu tebayinza kukola bintu bino. Ani Oyo ayogera n'abantu abali mu kibiina, eri oyo, "Atudde *wano*, n'atudde *eri*," ne mu bifo eby'enjawulo mu lukuŋŋaana, abakazi n'abasajja bwe bayingizibwa wano, nga bafa? Ani Oyo?

93 Omuwala oyo omuto eyayingidde mu kidiba mwe babatiriza enkya ya leero, mu wiiki bbiri emabega, eyali afa olwa kookolo, abeera wano ku luguudo oluyitibwa Maple, ayitibwa Muky. Baity. Era nnabuuza ba dokita basatu abaali bamujjanjaba. Teyalina kakisa konna ka kulama, kyokka nga alina abaana nga bana oba bataano, maama wange be yali agezaako okulabirira. Maama yaŋŋamba nti, "Bill, omuwala oyo talikomawo waka."

94 Ne ŋŋenda we yali, Mukama waffe Yesu n'ayogera n'agamba nti, "BW'ATI BW'AYOGERA MUKAMA, bw'anaagenda ku kkanisa n'asuubiza nti ajja kubatizibwa mu Linnya lya Mukama waffe Yesu, era ajja kuweereza Katonda, ajja kuddayo eka, nga awonyezeddwa."

Ne mmubuuza nti, "Kino onaakikola, nnyabo?"

95 N'agamba nti, "Byonna by'onaŋŋamba okukola, nja kubikola." Amangu ago obulumi ne bugenda. Oluvannyuma lw'ennaku ssatu, yali waka, nga ba dokita tebayinza kuzuula wadde omukululo gwonna ogwa kookolo.

96 Ani Ono ajja mu Linnya lya Mukama? Ani Oyo? Ye Mwoyo Omutukuvu wa Katonda. Ggwe omulowoozaako otya? Omulinako ndowooza ki, nga omanyi omusumba wo? Ne wano we tutudde mu butebe buno, mulimu abantu abavudde ebweru w'ekibuga, nga balina obulwadde bw'ensimbu, nga batudde ne. . . Wano waliwo omusajja, mu kifo ekimu wano, ow'oluganda ow'enzikiriza y'Abamenonayiti, wano wennyini, eyali omulwadde w'ensimbu. Nnali simumanyi era nga simulabangako, sirina kintu kyonna kye mmumanyiiko. Amangu ago, ndowooza, emyaka nga ebiri egiyise, oba ekintu bwe kityo, weewaawo, gyali myaka ebiri, Omwoyo Omutukuvu n'amuyitayo, n'agamba nti "BW'ATI BW'AYOGERA MUKAMA." Taddangamu kugwa nsimbu okuva ku olwo. Ani Oyo? Ani Oyo?

97 Omukyala ono eyali atudde wano, ku Ssande eyaggwa, omulundi gwe nnasembayo okubeera wano, eyali ava mu Illinois. Olunaku olwaddako. . . Eyalina ekizimba mu mubiri gwe, ekyali ekibi ennyo. Nga abamu ku basawo abasingayo obulungi mu Illinois baali bategeka kumutwala mu ddwaliro erimu eddungi, okumulongoosa, ku Mmande. Naye n'anyigiriza n'ayingira. Nnali simulabangako yadde okumuwulirako, mu bulamu bwange bwonna. Naye amangu ago, Omwoyo Omutukuvu n'amusiikiriza, n'Amubuulira erinnya lye, gye yali avudde, ne bwe yali agenda okulongosebwa enkeera. Bameka

abaali wano, abaakiraba? Amawulire ne gabuna wonna. Enkeera, bwe yagenda okulaba omusawo, baamutwala ddwaliro ku ddwaliro, nga tebalaba yadde omukululo gw'ekizimba ekyo.

98 Ani Ono? O, Ai Katonda ssaasira! Ani Ono akola bino? Osobola okwetantala okugamba nti omusumba wo y'abikola? Nedda. Osobola okwetantala okugamba nti abantu bakirinamu omukono? Nedda. Mwoyo Mutukuvu y'abikola, Omwoyo eyali ku Mukama waffe Yesu. Era Okujja Kwe okwegatta awamu n'Ekkanisa Ye, kuli kumpi nnyo okutuusa nti Asindika Ekitangaala Kye eky'amaanyi ekitukuvu buli wamu wonna, okununula, n'okuleeta mu kussa ekimu, Ekkanisa ya Katonda omulamu, olw'Okukwakkulibwa okusembedde okumpi. Amiina!

99 Y'ani Oyo? Sisobola kwanukula kibuuzo kyo. Siyinza kukwanukulira. Naye nsobola okweyanukulira. Era nga ndi ku kituuti kino ekitukuvu, akawungeezi kano, nga njogera mu matu, g'ekibiina kino, era abo aba—abaagulibwa n'Omusaayi gwa Mukama waffe Yesu, kino nkyogera okuviira ddala ku ntobo y'omutima gwange. Si lwa kuba ndi omu ku mmwe, si lwa kuba ndi muntu wa njawulo, wabula lwakuba ndi omu ku banunule abaanaazibwa n'Omusaayi. Nzikiriza nti Ekitangaala kye kimu ekyo ekitimbiddwa mu kkanisa eno, akawungeezi kano, Oyo y'omu eyeeyoleka, okuyita mu nkula Ye, nti Ye Yesu Kristo, mu nkula ey'Omwoyo Omutukuvu.

100 Omuntu yenna amanyi Ebyawandiikibwa, akimanyi bulungi nti Yesu yagamba nti, "Nnava eri Katonda, era ŋŋenda eri Katonda." Bwe Yali tannayambala mubiri, bwe yali ne Musa mu ddungu, Yali Mpagi ya Muliro. Era Musa bwe yayagala okumulaba, Yayitawo n'amulaga ebitundu Bye eby'omu mugongo. Musa n'agamba nti, "Yalabika nga Omuntu." Bwe Yali wano ku nsi, yali Muntu. Yakola ebintu bye bimu by'Akola, leero, okuyita mu bantu be Yanunula. Wuuyo n'Ajja n'akubibwa n'ekifaananyi. Kiki ekyo?

101 Oluvannyuma lw'okufa Kwe, okuziikibwa n'okuzuukira, lumu, Pawulo yali mu lugendo nga agenda e Damasiko, Ekitangaala eky'ekitalo ne kimutomera ne kimusuula ku ttaka. Abasajja abo abaali bamwetoolodde tebaalaba Kitangaala ekyo. Naye kyatomera Pawulo ne kimusuula wansi, ne Kimuziba n'amaaso. Yalina obuzibu n'amaaso ge ennaku zonna ez'obulamu bwe. Era lumu yagamba nti, "Si kulwa nga nneegulumiza olw'obukulu bw'okubikkulirwa, bwe nnaweebwa," eriggwa mu mubiri gwe, omubaka wa Ssetaani, okumuwuttulanga. Kubanga okubikkulirwa kwe yalina kwali kusukkulumye.

102 Era Pawulo bwe yakubibwa n'agwa wansi, bwe yali agenda okuyigganya abantu abaali baleekaana ennyo; ekibinja ky'abantu abaazaalibwa omulundi ogw'okubiri, abantu

abaayitibwanga abaakyama okuva ku nzikiriza entuufu. Pawulo yali mu lugendo nga agenda kubayigganya, nga alina n'amabaluwa mu nsawo ye, agamuwa olukusa okubakwata abaleete e Yerusaalemi. Era ku ssaawa nga mukaaga mu ttuntu, ne wakka Ekitangaala, ekyamukuba ne kimujja ku bigere bye, n'agwa wansi, n'agwa mu nfuufu y'ensi. Eddoboozi ne liva mu Kitangaala ekyo, nga ligamba nti, "Sawulo, Sawulo, lwaki onjigganya?"

103 Sawulo n'akyuka, mu mbeera ye nga azibiddwa amaaso, n'atunula waggulu. Era yali asobola okulaba Ekitangaala ekyo eky'amaanyi, eky'ekitiibwa. Kye yava abuuza nti, "Mukama wange, Ggwe Ani?"

104 N'addamu nti, "Nze Yesu. Nnava eri Katonda; era Nnaddayo eri Katonda. Nnava eri Katonda; Nzirayo eri Katonda." N'agamba nti, "Kizibu ggwe okusamba ku miwunda."

105 Okubikkulirwa kumu mu musenyu ogwo omutukuvu, omulundi gumu bwe guti mu kifo ekyo, omuntu tayinza kusigala kye kimu. Omusajja yenna, nga tannaba kweyita Mukristaayo, nga tannasobola kweyoleka, ateekwa okusooka n'afuna obumanyirivu obwo obw'oku ludda lw'eddungu, we yasisinkana Katonda, maaso ku maaso.

106 Kubanga, leero, osobola okufuna okwanukulwa okw'engeri yonna. Osobola okulaba Katonda nga akola ebyo byennyini bye Yagamba okukola, naye abakujjukujju abaasomerera eby'eddiini ne bagezaako okubinnyonnyola kifuulannenge. Bajja kugamba nti, "Ebyo byali bya mulembe mulala. Bya *guno*. Oba, Bya mulembe mulala. Oba, Bikyamu." Nga bwe baayogera ku Yesu nti, "Oyo Beeruzebuli, ssetaani. Mulaguzi." N'ebintu ebyo byonna, balina eky'okwanukula.

107 Naye omuntu bw'aba yali asisinkanye Kristo, n'amulaba nga Pawulo bwe yamulaba, manya nga bwe yafuna obumanyirivu Bwe, waba tewali baasomerera bya ddiini mu nsi basobola kujja bumanyirivu obwo mu muntu oyo.

108 Eyo y'ensonga lwaki, leero, tebalina bumanyirivu. Y'ensonga lwaki tebasobola kugamba. . . bonna bawoza kimu mbu, "Ani Ono? Kiki Kino? Kiva wa?" Tebalina kya kwanukula. Lwaki? Kubanga ekintu kyokka kye bamanyi by'eby'eddiini ebyagunjibwawo ekkanisa emu. Tekiri nti "okumanya enjigiriza z'eddiini" bwe Bulamu. Tekiri nti "okumanya Bayibuli" bwe Bulamu.

109 Wabula "okumumanya" bwe Bulamu. "Okumumanya" nga Omulokozi wo, nga Oyo Akujjuzizza n'Okubeerawo Kwe. Waliwo lwe kyabaawo. Tewali muntu yenna ayinza kukikuggyako. Tewali muntu ayinza kukikunnyonnyola n'akikuggyako. Obumanyirivu obwo bwe bukutuukako, otegeera Kiki ky'Ali. Nze gyendi, Ye Yesu Kristo abeera obumu jjo, leero, n'emirembe gyonna.

110 Ani ono akola ebyamagero bino? Ani ono akola emirimu gino egy'ekitalo? Mubuulizi y'agikola? Oral Roberts y'agikola? Billy Graham y'agikola? Jack Schuler y'agikola? Ye William Branham? K'abeere ani yenna, tebabirinaamu mukono gwonna yadde. Bo bikozesebwa bukozesebwa kye kyokka.

111 Abeera Mwoyo Mutukuvu y'ajja n'Enjiri, mu bubonero n'ebyewuunyo n'ebyamagero, okuteekateeka abantu. Embeera ejjudde okwesunga, nga abakkiriza bamusuubira okujja.

112 Nga abalala bwe beewuunaganya mbu, "Enkuŋŋaana zino ez'okudda obuggya zaaki? Tukola zaaki? Leka tusigale nga ekkanisa bulijjo bw'ebeera." Kubanga, kyayogerwa wano wennyini mu kkanisa, nti, bwe twatandika okuzimba ekkanisa empya, baagamba nti, "Tetwetaaga byamagero. Ebintu bino tetukyabyetaaga. Bwe muba mubyagala, mugende eri mu nkuŋŋaana z'enjiri gye bikolebwa. Ffe wano tetubyetaaga." Ekkuŋŋaaniro lya Branham ssinga lirigwa okutuuka ku ssa eryo, liriba limaze okubbira.

113 Ekkanisa eno yazimbibwa ku nnono n'Amaanyi n'Enjiri ya Yesu Kristo. Era kasita ekkuŋŋaaniro lino liba nga likyayimiridde, nsaba nti Omwoyo Omutukuvu ow'ekitiibwa afune omwagaanya okutuuka ku mmeeme, azirokole, azijjuze n'Omwoyo Omutukuvu, awonye n'abalwadde. Nze ku lwange, oyo ye Yesu Kristo abeera obumu jjo, leero, n'emirembe gyonna.

Ka tusabe.

114 Bw'oba tomanyi Ye Ani, nga tomanyi bino byonna kye bitegeeza, naye nga wandyagadde okumanya, osobola waakiri okuyimusa ku mukono gwo? N'ogamba, nga oyimusizza omukono nti, "Nsabira, Ow'oluganda Branham, nsobole okumumanya." Mukama abawe omukisa. Mwenna mwenna wonna we muli, ndaba emikono gyammwe.

115 Kaakano, Kitaffe ow'omu Ggulu, tuleeta Obubaka buno, wamu n'ebibala by'abantu bano nga bayimusa emikono gyabwe, nti bandyagadde okumanya Ono y'Ani. Bandyagadde okumanyagana ne Yesu ono ow'ekitiibwa. Kibeere nti, Okujja Kwe, okw'okuzuukira, kusemberedde ddala, okutuusa nti n'abalwadde batandise okuba nga bawonyezebwa. Era ekyo bwe kibaddewo, ne wajja obunnabbi mu Kkanisa, ne wajja ebirabo n'ebyamagero, era kati tuli ku kabonero ako akasembayo. Ekinaddirira, kujja kuba Kukwakkulibwa, Ekkanisa ejja kutwalibwa. Era ffe, ayi Mukama, abagamba nti tukumanyi mu Maanyi ag'okuzuukira Kwo, tulindirira, era tuyaayaana, era tukaaba, nga twegayirira tugamba nti, "Jangu, Mukama Yesu!"

116 Kwakkula Ekkanisa Yo ogitwale, mangu ddala, ayi Mukama. Kubanga, mu bbanga ttono nnyo, abantu bagenda kutulisa ensi gye Wabatondera okubeerako, kubanga baakujeemera. Tebaamanyiira mirembe, wabula ntalo. Tebaamanyiira butuukirivu, wabula baakuguka mu kuteesa

bubi. Ddala bayinza batya obutalulunkanira buyinza! Mukama, akafo akeekusifu akali mu mitima gyabwe akabaleetera okululunkanira okufuga bannaabwe, bagezaako okukamatiza mu kifo ekimu gye bayiiyiza eby'okulwanyisa, okusobola okusaanyaawo bannaabwe.

117 Ayi Katonda, ssinga basobola okukitegeera nti amaanyi ago ge bayaayaaniddenga ge Maanyi ag'okuzuukira kw'Omwana wa Katonda, Amaanyi g'Omwoyo Omutukuvu agasobola okukyusa obulamu bwabwe; so si kusaanyaawo mawanga, wabula okukyusa obulamu bwabwe ne gabafuula abaweereza Bo.

118 Abantu bangi, balinga abagudde eddalu ekkankada, batutwala nga abantu "abatalina kye tumanyi," era—era "abayigiriza ebikyamya," mu ngeri y'emu nga bwe baakola mu mirembe egy'edda. Naye nga bali bwe baakomawo, nga bajaguza, nga bakwebaza kubanga baasobola okwetikka ekivume ky'Erinnya Lyo. Ekyo abaana bo kye bawulira, akawungeezi kano, Mukama, buli wamu. Kitusanyusa.

119 Abamu ku baaliwo mu biro Byo baagezaako okutegeera Ggwe ani. Ne bagamba nti, "Oyo mukwano gw'omusajja oli ow'omu ddungu, Yokaana, eyava mu ddungu nga kyenkana tayambadde na ngoye, okuggyako akaliba k'endiga ke yali yeesibye. Omusajja omukambwe eyakasukanga ebigambo, ebuvanjuba n'ebugwanjuba, nga agamba nti, 'Embazzi eteekeddwa ku kikolo ky'omuti.'" Ne bagamba nti, "Ono—ono mugoberezi w'oli. Musajja mulalu. Yatabuka omutwe. Aliko ekikyamu ku bwongo." Obuweereza bwe walina obwali busukkulumye ku maanyi ag'obutonde, Ayi Mukama, bw'aziba amaaso gaabwe.

120 Ne leero bukoze ekintu kye kimu: Omwoyo Omutukuvu ono ow'ekitalo akulembedde Okujja kwa Mukama waffe, nga Yokaana bwe yakola mu biro bye, nga aziba amaaso, agaabo abatayagala kulaba. Naye eri abo abaagala okulaba, Ggwe wabalonda. "Era abo bonna Kitange be yampa balijja gye Ndi," bw'otyo bwe Wagamba, "era tewali n'omu ku bo alibula. Era Ndimuzuukiza ku lunaku olw'enkomerero." Tukwebaza olwa kino.

121 Era abo abayimusizza emikono gyabwe, akawungeezi kano, tukusaba, Ayi Mukama Katonda, Obeebikkulire, mu bumanyirivu, obw'Amaanyi ag'okuzuukira. Kikkirize, ayi Mukama.

122 N'abalala abayinza okuba wano, abatayimusizza mikono gyabwe, naye, nga mu mitima gyabwe, bakimanyi nti babadde beetaaga okukikola. nabo nkusaba Obawe omukisa, era obawe okuyaayaana kw'emitima gyabwe.

123 Nga bwe tufuluma ekizimbe, akawungeezi kano, tusaba tugende nga tuli bantu ba njawulo. Tusaba tugende n'ekiruubirirwa eky'enjawulo ku ekyo kye twazze nakyo, we

twayingiridde, bwe kiba nga kyabadde kikontana n'okwagala Kwo okw'Obwakatonda. Tusaba tugende n'okumalirira okwenywereza ku mayembe g'ekyoto, okutuusa nga emmeeme zaffe zimatidde nti Otusisinkanye, era nga tumanyi Oyo gwe twogerako, kubanga tumusisinkanye era tumumanyi, era tussa kimu naye. Ebintu bino tukusaba obitukolere, ayi Kitaffe. Wonya abalwadde n'abanyigirizibwa.

124 Wa omukisa omusumba waffe omulungi era omwagalwa. Ayi Katonda, tukusaba obeere naye wamu ne bannyina abalungi, nga bwe bayimba Enjiri, n'okugibuulira ku leediyo.

125 Wa omukisa abagenyi abali mu makkati gaffe. Mukama, leka bafulume, akawungeezi kano, n'amaanyi mu mitima gyabwe, n'ekigendererwa nti, okuva mu kaseera kano, bwe baba babadde tebakumanyi era nga tebakuweereza, kaakano, leka bakuweereze. Nga bamanyi kino, nti, "Ebintu ebirala byonna biriggwaawo, naye Ekigambo kya Mukama kirisigalawo emirembe gyonna." Kituwe, Kitaffe.

126 Tusonyiwe, ebibi byaffe byonna. Era tusaba tusisinkane ku lunaku olwo olukulu . . . [Ebbanga ejjereere ku lutambi—Omuk.]

Kubanga Ye yasooka okunjagala
N'asasulira obulokozi bwange
Ku muti gw'e Kalivaaliyo.

127 Kaakano, Obubaka nga bwe buwedde, leka tukoteke emitwe gyaffe tumusinze, nga bwe tumuyimbira.

Mmwagala,

N'omutima gwo gwonna.

Mmwagala
Kubanga Ye yasooka okunjagala
N'asasulira obulokozi bwange
Ku muti gw'e Kalivaaliyo.

128 Bameka ddala abamwagala? Yimusa omukono gwo, kino okyogere nga omujulirwa nti, "Mmwagala." O, si mulungi nnyo? Omanyi, njagala nnyo okutuula bwenti, ne nnywa, ku Kubeerawo Kwe. Ekigambo Kye, kibuuliddwa, Kigudde mu mitima. Kitugolola. Kituleeta mu kugondera Omwoyo We. Nga kirungi nnyo okumusinza oluvannyuma lw'ekyo! Kaakano, nga bwe mufuluma ekkanisa, akawungeezi kano, mugende, nga mumusinza.

129 Era mujjukire nti, wiiki eno, wano waliwo olukuŋŋaana olw'okusaba ku Lwokusatu akawungeezi. Temwerabira pulogulaamu y'Ow'oluganda Neville ku leediyo ku Ssande, manya ku Lwomukaaga, ku ssaawa ssatu ez'ekiro, ku WLRP. Nnyumirwa nnyo okubawuliriza, ate mmwe? Abayimbi abo abayimba abana, manyanga abasatu, bayimba bulungi nnyo. Nze ne mukyala wange, n'abaana baffe, tuteekako ka leediyo kaffe ne—ne tukeetooloola, okuwuliriza Ow'oluganda Neville

ne pulogulaamu ye ku leediyo, n'ebigambo bye ebirungi ennyo, engeri gy'agulumiza Katonda gw'ayagala era gw'akkiriza. Kino ssikyogera ku . . .

130 Mmwe abagenyi abali wano, bw'oba tolina kkanisa mw'okuŋŋaanira, jangu otwegatteko. Muleke mbabuulire, kino sikyogera lwakuba atudde wano. Nedda, ssebo. Kino mbaddenga nkyogera, emirundi mingi. Ow'oluganda Neville mmwagala nnyo. Kino, okusooka, mukugu mu by'eddiini. Ekisooka, mwana wa Katonda. Eky'okubiri, buli lunaku takyuka. Mmaze emyaka egiwerako nga mmumanyi. Naye takyuka, n'akatono. Akyali Orman Neville, omuweereza wa Mukama waffe Yesu. Era ndowooza alina . . .

131 Ekiro kya jjo, nnamukubidde essimu okumubuuza oba, mu ntegeka ye, asobola okutufunirawo omwagaanya okusabira abalwadde. Wabaddewo ababadde bajja, ku makya ga leero, nga bwe mumanyi. Era mukyala we ye yayanukudde essimu, era nnabadde nkinyumyako, ne mukyala wange, emabega wali.

132 Era nga twebaza nnyo Katonda olwa mukyala we omwagalwa wamu n'abenju ye. Ekyo kirungi nnyo. Bw'olaba omuweereza ne mukyala we nga beeyisa bwe batyo, mu bulungi ne mu buwombeefu, ekyo kireetera ekkanisa okweyongera mu maaso bulungi. Ekyo kyeyongera okuba ekirungi buli olukya.

133 Mumwagala n'omutima gwammwe gwonna? Kale. Tulina oluyimba olutusiibula olugamba nti, *Twalanga Erinnya lya Yesu*. Osobola okutuwa eddoboozi lyalwo, mwannyinaffe, bw'oba olulina awo mu katabo. Kati tugenda kuyimba oluyimba lwaffe olutusiibula. Era bwe tuyimba ekitundu ekisooka, twagala tukyuke tukwataganeko mu ngalo. Kale. Tuwe eddoboozi lyalwo.

> . . . Erinnya lya Yesu, wamu naawe,
> Ggwe omwana ow'ennaku n'okunyolwa;
> Lijja kukuwa essanyu era likugumye,
> Litwale buli gy'ogenda yonna.
>
> Erinnya ery'omuwendo, O nga ddungi!
> Lye ssuubi ly'ensi era essanyu ly'Eggulu; (Katonda akuwe omukisa, ow'oluganda.)
> Erinnya ery'omuwendo, O nga ddungi!
> Lye ssuubi ly'ensi era essanyu ly'Eggulu.

Kati leka tuyimbe ekitundu kino:

> Bwe tulivunnamira Erinnya lya Yesu,
> Ne tweyala wansi ku bigere Bye,
> Tulimutikkira engule nga Kabaka wa bakabaka mu Ggulu,
> Olugendo lwaffe bwe luliba luwedde. (Ekyo tekiriba kiyitirivu?)

Ery'omuwendo . . . (Erinnya ery'omuwendo!) O nga ddungi!
Lye ssuubi ly'ensi era essanyu ly'Eggulu;
Erinnya ery'omuwendo, (Erinnya ery'omuwendo!) O nga ddungi!
Lye ssuubi ly'ensi era essanyu ly'e . . .

134 Bameka abajjukira akayimba kaffe ke twayimbanga akagamba nti, *Temwerabiranga Okusabira Awamu Nga Amaka?* Mukajjukira? Ssi . . . Thelma, simanyi oba okamanyi, manya oba omanyi eddoboozi ly'oluyimba olwo, oba nedda? Ka tulugezeeko. Temulujjukira? Leka . . . Oba oly'awo ka nsooke ndubayimbiremu muwulire bwe lugenda.

Temwerabiranga okusabira awamu nga amaka,
Yesu ayagala okubasisinkanayo;
Ajja kutwala okweraliikirira kwammwe kwonna,
O, temwerabiranga okusabira awamu nga amaka.

135 Bameka ababeera n'okusaba awamu nga amaka? Ekyo kirungi. Leka tuddemu tulugezeeko. Ekyo ŋŋenda kukikwatako oluvannyuma. Nkyagala nnyo. Kale fenna wamu kati:

Te—temwerabiranga okusabira awamu nga amaka,
Yesu ayagala okubasisinkanayo;
Ajja kutwala okweraliikirira kwammwe kwonna,
O, temwerabiranga okusabira awamu nga amaka.

136 Ai Mukama, kyawandiikibwa mu Byawandiikibwa, nti baatwalanga ebitambaala manyanga ebiremba okuva ku mubiri gwa Pawulo, era emyoyo emibi gyavanga ku bantu, n'endwadde ne ziwonyezebwa. Tusaba, Ayi Mukama, mu ngeri y'emu, kiddemu kirabisibwe ne ku bitambaala bino, akawungeezi kano, nga bwe mbiweereza eri abalwadde n'abali mu bwetaavu. Wabweru eyo mu nsi, waliyo omuntu asuubira era alindirira kino okubaawo. Nkusaba, Kitaffe, okikkirize mu Linnya lya Yesu, Omwana Wo. Amiina.

137 Kaakano ŋŋenda kusaba, nga bwe tukyakotese emitwe gyaffe, Muganda waffe omwagalwa ennyo Smith erudda wali, okuva mu Church of God, gwe twazuula, mu ngeri y'emu nga Ow'oluganda Neville ono wano, okuba omuweereza wa Katonda, omuwulize, era omwesigwa, Ŋŋenda kumusaba abasabire emikisa, gibabeereko okuyita mu wiiki eno yonna. Katonda abawe omukisa, okutuusa lwe tulisisinkana nate. Ow'oluganda Smith.

[Ow'oluganda Smith asaba—Omuk.] Weewaawo, Mukama. Kituwe, Mukama. Weewaawo. Weewaawo. Weewaawo. Weewaawo. Amiina.

138 Mukwataganeeko mu ngalo. Mwanirizibwa okukomawo nate, mu kkuŋŋaaniro. Katonda abawe omukisa.

59-0510E Ani Ono?
mu Kkuŋŋaaniro lya Branham
e Jeffersonville, Indiana Amerika

LUGANDA

©2024 VGR, ALL RIGHTS RESERVED

VOICE OF GOD RECORDINGS
P.O. BOX 950, JEFFERSONVILLE, INDIANA 47131 U.S.A.
www.branham.org

## Ekirango ky'obwannanyini

Obwannanyini bwonna bwesigaliziddwa. Ekitabo kino kisobola okukubibwa mu kyapa ku kyuma ekikuba empapula eky'awaka nga eky'omuntu okwesomera ku bubwe oba nga eky'okugaba, ku bwereere, nga ekikozesebwa eky'okubunyisa Enjiri ya Yesu Kristo. Ekitabo kino tekikkirizibwa kutundibwa, kukubibwa mu bungi, kuwanikibwa ku mutimbagano gw'ensi yonna, kuterekebwa mu ngeri yonna etali ya kyapa, kuvvuunulwa mu nnimi ndala, oba okukozesebwa okusaba ssente awatali kufuna lukusa mu buwandiike okuva mu Voice Of God Recordings®.

Okumanya ebisingawo oba ebintu ebirala bye tulina, tukusaba otuukirire:

VOICE OF GOD RECORDINGS

P.O. BOX 950, JEFFERSONVILLE, INDIANA 47131 U.S.A.

www.branham.org